# Kasana

A PUBLICATION OF KASANA - LUWEERO DIOCESE

shs3,000



# August 2024 Bulletin





HOLY TRINITY ZIROOBWE PARISH (1998)


ST. JOSEPH THE WORKER KATIKAMU PARISH (1964)


ST. CYPRIAN NGOMA PARISH (2000)


ST.JUDE KAKOOGE PARISH (1999)


OUR LADY QUEEN OF MARTYRS NAMALIGA PARISH (1988)


OUR LADY OF LOURDES NAKASONGOLA PARISH (1940)


ST. JOSEPH CATHOLIC PARISH KANNYANDA (2021)


ST. KIZITO NATTYOOLE PARISH (1967)



MARY MOTHER OF DIVINE SHEPHERD MULAJJE PARISH (1914)


ST. ANTHONY MIGYEERA PARISH (2007)


ST. JOSEPH & VINCENZO ROMANO KALULE PARISH (2017)


OUR LADY OF GRACE NANDERE PARISH (1899)


ST. BRUNO SSERUNKUUMA KIKYUUSA PARISH (1996)


ST. CHARLES LWANGA KAMIRA JUBILEE PARISH (2022)


OUR LADY OF ANNUNCIATION KASAALA PARISH (1945)


ST. KIZITO NAKASEKE PARISH (1988)


ST. PAUL'S JUBILEE CATHOLIC PARISH KATUUGO (2021)


OUR LADY CONSOLATA KAPEEKA PARISH (2004)


UGANDA MARTYRS' PARISH KIWOKO (2012)


OUR LADY HELP OF THE CHRISTIANS KIJAGUZO PARISH (1937)

## CONTENTS/[Endagiriro]

1. Obubaka bw'Omukuŋŋaanya
2. Editor's note
3. Bethany Land Institute holds third family day
4. Abaami bakungiddwa ku kulwanyisa obwaavu
5. High Primary School Dropout Rate Endangers Future Workforce
6. Caritas staff member passes away
7. Lack of Chapel hinders formation at St. Kizito Minor Seminary
8. Kasana Cathedral Parish ejaguzza emyaka 27
9. Kibuyaga atikkudde akasolya ku Klezia y'e Mulajje
10. Baalamaze ku Kiggwa gye bazaala Omujulizi Denis Ssebuggwaawo
11. Baatongozza okulamaga ewa Athanasius Bazzekuketta
12. Ssaabasumba P. Ssemogerere wa kusiibulwa mu butongole
13. Mazzolid College lijaguzza emyaka 25
14. Omusumba L. Mukasa agenda kuweza omwaka ku Bwepisikoopi
15. Parish esinga obuto ejaguzza
16. Omusumba asisinkanye abazadde b'Abaseminariyo

# Obubaka bw'Omukuŋŋaanya



Mbalamusizza nnyo abantu ba Katonda mwenna naddala ab'omu Ssaza lyaffe erya Kasana-Luweero.

Mbakulisaayo mu mikolo gye tubadde nagyo emikulu mu Ssaza lyaffe okugeza mu kulamaga e Waluleeta, ku lunaku lwa Seminariyo yaffe ey'e Nandere n'emikolo emirala mingi.


Tugguse n'Akatabo kaffe '*KASANA*' ak'Amawulire g'Essaza aka buli mwezi.

Mu k'omwezi guno ogwa Augusto, ebikulu ebyaali ku mikolo egyo mwebiri.

Mu ngeri y'emu, tukuleetedde ebikulu ebirala ebikoze amawulire mu Ssaza byotasaanye kusubwa ggwe wamma otambule n'okumanya.

Mbaagaliza okukasoma obulungi.

**N.B: Bw'oba olina ensonga yonna ekwata ku katabo kano, ntuukirira ku ndagiriro eno wammanga:**




Bakalu Bernard Barnabas

Munnamawulire w'Essaza lya Kasana-Luweero

Phone contact [s] 0773-058-220/ 0701-399-026

Email: bernardbakalu@gmail.com


# *Editor's note*



**Dear Brothers and Sisters in Christ,**

As August approaches, the faith community is reminded of the blessings and challenges that shape their faith. The theme of "Unity in Christ" is emphasized, drawing inspiration from Ephesians 4:3. The diocese has seen significant milestones, such as the fundraising for a new chapel at St. Kizito Minor Seminary, which has raised over 21 million shillings. The community is hopeful that with continued support, the goal will be met and the spiritual lives of seminarians will be enriched. The community also acknowledges the selfless service of its leaders, such as Omulangira Paul Kyabaggu, who has requested to step down from his role as Chairman of the Consultative Board due to health concerns. The 23rd-anniversary celebrations of St. Kizito Minor Seminary were a time of joy and reflection, and the construction of a new chapel is crucial for the spiritual and educational development of seminarians.

The diocese also emphasizes the vital role of education in the faith. As students prepare for the closing of the second term on August 24, the community is encouraged to foster a supportive environment for young learners. Education is a cornerstone of the faith, and investing in it will build a stronger, more enlightened future for the diocese.

As we read this issue of our diocese monthly bulletin '*KASANA*' for the month of August, in which we have given you newsworthy occurrences, let us remain firm in our faith and united in our purpose, trying to reflect the love and unity that Christ exemplifies.

**May God bless all.**
**Bernard Bakalu**

# **Bethany Land Institute** holds third family day

On Monday, July 29, 2024, Bethany Land Institute (BLI) celebrated its third family day at the institute's campus in Nandere, Kasana-Luweero Diocese. The event commenced with a Holy Mass led by Rt. Rev. Lawrence Mukasa, Bishop of Kasana-Luweero Diocese.

In his homily, Bishop Mukasa condemned what he described as selective and discriminatory evictions of people who had encroached on wetlands. The National Environment and Management Authority (NEMA) has recently carried out forced evictions in the Lubigi wetland area, demolishing numerous homes and businesses to restore wetlands essential for environmental conservation and reducing flood risks in Kampala and surrounding districts.

These evictions have sparked widespread criticism and concern. President Yoweri Museveni has declared that those evicted will not be compensated, citing the significant environmental damage. He argues that compensating the evictees would encourage further encroachment and indiscipline.

Human rights defenders have criticized the forceful evictions, noting that many affected are low-income urban residents with limited options. They claim that NEMA did not follow necessary legal procedures and disproportionately targeted the properties of the poor while sparing those of the wealthy. Despite these critiques, NEMA insists that the evictions are legally justified and necessary for environmental protection, pointing out that many of the evictees' land titles are irregular and that the law mandates the conservation of wetlands, even if it requires relocating inhabited communities.

While acknowledging the importance of conserving wetlands, Bishop Mukasa emphasized the unfairness of the evictions. He highlighted that minor offenders are targeted while significant ones are overlooked, advocating for a more equitable approach. He questioned the involvement of local officials, pointing out their lack of proactive measures to prevent settlements in the wetlands. Bishop Mukasa stressed that the evictions have left the underprivileged even poorer, underscoring the broader implications of poverty and environmental degradation. He proposed coffee farming as an alternative to alleviate poverty, suggesting that with the right support, families could transition from vulnerable encroachers to productive farmers, benefiting both the economy and the environment.

## Bishop Mukasa Praises BLI

The bishop commended BLI, describing it as a response to Pope Francis' call to restore nature. "All of us should be sons and daughters of Laudato Si'," he said, referring to the 2015 encyclical by Pope Francis that urges humanity to care for the environment and addresses the interconnectedness of social justice and environmental stewardship. Bishop Mukasa also encouraged BLI management to expand its goals throughout the diocese.

## Post-Mass Activities

After Mass, Rev. Fr. Mathias Jjooga, Parish Priest of Our Lady of Grace Nandere, called for support for the ongoing preparations for the Parish's "quasquicentennial" on December 8, 2024, marking its 125th anniversary since its creation in 1899.

During the same Family Day, over 20 caretaker leaders were commissioned. Sandra Kaitesi, speaking on behalf of the leaders, said, "We are caretaker leaders in integral ecology," and emphasized their commitment to environmental conservation.

Rev. Fr. Emmanuel Katongole, President of BLI, announced the launch of a pastoral formation program for all religious men and women this year. Fr. Cornelius Ssempala, a co-founder of BLI and site manager, recalled that Bishop Paul Ssemogerere, now Archbishop of Kampala Archdiocese, had envisioned Kasana-Luweero Diocese as a model in integral ecology.

## Alumni Association Launch

An alumni association for BLI was also launched during the event, with Fr. Frank Mugga as its President and a six-member committee. Fr. Mugga pledged that the association would organize next year's family day with assistance from Fr. Joseph Kakooza Nnyanzi, the Administrator.

## A Brief History of BLI's Founding

BLI was founded by three priests and friends—Father Emmanuel Katongole, Father Cornelius Ssempala, and Father Anthony Zachary Rweza—in response to the challenges of poverty, food insecurity, environmental degradation, and youth unemployment. In 2019, the Diocese of Kasana-Luweero became a co-founding partner through a memorandum of understanding, which included leasing land at Nandere Parish, home to the only natural forest left in Luweero District. Bishop Paul Ssemogerere became a founding partner and patron of BLI. The founders, all Ugandans, have leveraged their studies and international experiences to address the challenges and opportunities in Uganda. BLI was formally launched in 2022.



*Bishop L. Mukasa hands over a certificate to one of the newly commissioned caretaker leaders at BLI, as Rev. Frs. Hilary Muheezangango (on his right) and Emmanuel Katongole (on his left) and others look on, on July 29, 2024.*



*Bishop L. Mukasa poses for a group photo with caretaker leaders at Bethany Land Institute in Luweero. Fr. E. Katongole, President of BLI, sits to his left. Fr. H. Muheeza, Caritas' National Director, sits to his [Bishop's] right, July 29, 2024.*



*Bishop Lawrence Mukasa plants a memory tree during Bethany Land Institute's third Family Day, which also includes the commissioning of caretaker leaders in Luweero, July 29, 2024.*

# Abaami bakungiddwa ku kulwanyisa obwaavu

Ku Sunday nga 21, 2024 Essaza lya Kasana-Luweero lyalamaga ku Kiggwa ky'Omuwolereza waalyo St. Kizito omuto Omutuukirivu e Waluleeta mu Kigo ky'e Nandere.

Enteekateeka zonna zakulemberwaamu baami mu Ssaza.

Bwe yali yakatuuka, Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa, yayanirizibwa Abaami.

Baamutwala okusimba omuti ogw'ekijjukizo.

Oluvannyuma yakulembera Missa eyetabwaamu ebikumi n'ebikumi by'Abalamazi.

Bwe yali ayigiriza, Bishop Mukasa yasooka kwaniriza balamazi.

"Mbaanirizza nnyo mwenna balamazi bannange," bwe yategeeza.

Yagenda mu maaso okutegeeza nti: "Kuno kwe kulamaga kwange okusoose wano nammwe, kuno okulamaga ssi kwa muzannyo!"

"Wano we tuzze, tuzze ewa Kizito. Kizito waffe, wa kitundu kyaffe, wa Parish yaffe, wa Ssaza lyaffe, wa Province yaffe, wa Ggwanga lyaffe erya Uganda."

"Tuzze kusaba, atulongoose," bwe yagattako bw'atyo.

Bwe yatuuka ku bateesiteesi yagamba nti: "Abasajja, tusanyuse nnyo okubalaba, baabano bakomyeewo, ate tebakyadda mabega. Ebiseera bye tulimu, Essaza tubadde, tulivuddemu, tubadde tuzze emabega. Mu Eklezia, tubadde tuzze emabega."

Omusumba Mukasa yagenda mu maaso: "Tekyali kudda mabega, oluusi ekitubuza, nsimbi. Abakyaala babadde babuuza gye mwalaga. Abakyaala, Abaami baabano bakomyeewo."

Yakuutira abaami okukola ennyo okwegobako obwavu, olwo bajja kusobola okubeera nga tebaddamu kubula olw'obwavu.

Yagamba nti: obwaavu obususse nga bangi bafuuse mpale enyweera miguwa, kireetedde abasajja bangi okudduka obuweereza mu Klezia ku mitendera egy'enjawulo n'obuvunaanyizibwa obutali bumu.

Bwe yakyuukira abakyala, nabo yabasibirira entanda enanyweeza amaka: "Nnammwe abakyaala, mwerongoose, tukooye okusula ku bafu olw'empaka".
Bishop L. Mukasa n'Abakulembeze abaalondebwa era ne balayira ku lunaku lwe lumu lwe yatuuzibwa ku Ntebe y'Obwepisikoopi nga Augusto 5, 2023 nabo aliko entanda gye yabasibirira: "Abakulembeze ffenna, tusigazza wiiki bbiri tuweze omwaka, twekebere."

Mu Missa y'emu Omusumba Mukasa y'Awa Abaseminario musanvu emiruka. Kwaliko Kato David Nkuggwa okuva mu Kasaala Parish, Kaliisa Cyprian okuva mu Nandere Parish, Luttamaguzi Julius okuva mu Ziroobwe Parish/ Bunamwaya Parish (Kampala Archdiocese), ne Waswa Lubega Paul okuva mu Migyera Parish/ Nabbingo Parish (Kampala Archdiocese).

Abalala kwaliko Kisitu Expedito okuva mu Katikamu Parish/ Buloba Parish (Kampala Archdiocese), Mulamira Mathew okuva mu Kiwoko Parish/ Bugonga Parish (Kampala Archdiocese) ne Tebuseeke Hilary okuva mu Kasaala Parish.
"Abagole baffe, tubasanyukidde, okwesimbawo ku lugendo lw'okufuna Obudyakoni", bwe yabagamba bw'atyo.



*Bishop L. Mukasa nga atambula ne Ssaabakristu w'Essaza Mw. Ronald Ssemakula nga yakatuuka e Waluleeta, July 21, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga asimba omuti ogw'ekijjukizo e Waluleeta nga kyajje atuuke okukulembera Missa y'Okulamaga. Abaami nga bakulembeddwaamu Ssaabakristu w'Essaza Mw. Ronald Ssemakula (ku kkono) nga bamusanyukirako, July 21, 2024.*

# High Primary School Dropout Rate Endangers Future Workforce

Educators have warned that the country's chronically high primary school dropout rate after, or even before, completing P.7 endangers tomorrow's workforce.

According to an analysis of figures from assessment body Uganda National Examinations Board (Uneb) and Education and Sports Sector Annual Performance Reports (ESSAPRs), the latest data on the dropout rate of Primary Seven (P.7) pupils in Uganda indicates that approximately 42.8% of pupils who start primary school do not complete P.7.

This statistic means that almost 43 out of every 100 pupils drop out before finishing primary school.

The dropout rate is particularly concerning for girls, with 46.4% of female pupils dropping out before completing P.7, compared to 44.2% for boys.

This gender disparity highlights the additional challenges girls face in continuing their education, such as early marriage and childbearing, which often interrupt their schooling

Rev. Fr. Akello Ronald, Chairman of the Association of Catholic Education Institutions (ACEI), spoke as the Guest Speaker at the Kasana-Luweero Diocesan Teachers' Day celebrations on Friday, July 19, 2024, at the Luweero Teachers' SACCO gardens in Luweero town council. He expressed deep concern about the high dropout rate of children before and after completing Primary 7.

He revealed that he and others were called to a meeting with President Museveni and first lady Janet Museveni, who also serves as the minister for education and sports. The meeting focused on school enrollment.

According to Fr. Okello, the huge gap in the transition from primary to secondary school is cause for alarm.

He warns that if we do not solve this issue, we risk losing a whole generation.

While increasing vocational training is desirable and vital for job development, Fr. Okello believes that secondary school is critical in developing and reinforcing children's academic foundations.

During the same festivities, Kasana-Luweero Diocesan Education Secretary Rev. Fr. Joseph Mary Ssekalegga urged parents to make sure they save money for their children's education so they don't drop out too early. For teachers, he suggested using social media as a dependable and contemporary form of communication.

According to Fr. Ssekalegga, apps like WhatsApp have transformed communication.

He claims that by forming groups, teachers may interact instantaneously, rendering traditional letter-writing and delivery techniques obsolete.

He believes that instructors must embrace new technology in order to collaborate effectively.

Fr. Ssekalegga stressed the importance of teachers using current communication technologies to improve their cooperation and efficiency in today's fast-paced society.

However, he warned them against abusing social media networks.



*A group of teachers gathering in the Luweero Teachers' SACCO Gardens during the Diocesan teachers' day celebrations on Friday, July 19, 2024.*

# CARITAS STAFF MEMBER PASSES AWAY

A somber mood enveloped the staff of Kasana-Luweero Diocese following the death of Mr. Thomas Orena, who was affiliated with Caritas Kasanaensis. Orena passed away on Saturday, July 21, 2024.

Paul Ssekanjako, a colleague of the deceased, shared the heartbreaking news on the Kasana-Luweero Diocese Staff Association (KALUDISA) WhatsApp group. "Hello team... With deep sorrow I inform you of the passing on of our brother Thomas...we have lost him. MHSRIP," he said.

Fr. Kasigwa Cyril, the Chancellor, expressed his condolences: "Sad news, dear colleagues. May Heaven receive him and may the Lord console his family, relatives, and friends." Evelyn Akampurira, another colleague, mourned the loss: "So sad, bannange, may his soul rest in peace."


Ssekanjako eulogized Orena with heartfelt words: "Dear Thomas, a self-made man's journey never truly concludes. It morphs into a legacy that inspires generations to come. The conclusion is the epic tale told and retold, the testament to the indomitable spirit, and the spark that ignites greatness in others."

He continued: "The self-made journey reaches its zenith in the climax, where triumph reigns supreme. It is the moment of realization, the culmination of years of relentless pursuit. Climaxes are the monuments they build, the summits they conquer, and the dreams they manifest. It is the reward for their unwavering dedication."

"In conclusion, self-made men are the architects of their own destinies, crafting their stories with character, embracing challenges, conquering conflicts, reaching climaxes, and leaving behind enduring legacies. They are the embodiment of masculine virtue, and their tales resonate with the very essence of manhood," Ssekanjako added.

"Dear Thomas Orena, you might be dead, but you're still alive in our hearts forever. REST WITH THE ANGELS, MY BROTHER," he concluded.

Orena was laid to rest on Tuesday, July 23, 2024, at 3:00 PM in Serere District. He served as a Project Coordinator for the GCCA+ and NET projects, having joined Caritas in December 2020 and dedicated three and a half years to the organization.



*Thomas Orena in his office during his working days.*



*A casket bearing the remains of Thomas Orena.*



*Mourners convene for the burial of Thomas Orena.*



*Caritas staff Doreen Kirabo (in a purple dress) and Betty Namagala (in a black and grey dress), joined by another woman (in the middle), lay a wreath on the casket of Thomas Orena.*

# Lack of Chapel hinders formation at St. Kizito Minor Seminary

The Rector of St. Kizito Minor Seminary, Nandere, in the Diocese of Kasana-Luweero, Rev. Fr. Peter Kisamba Mugerwa stated that the lack of a spacious chapel at the seminary is impeding the training of future priests.

The pioneer Bishop of Kasana-Luweero Diocese, Rt. Rev. Dr. Cyprian Kizito Lwanga, opened St. Kizito Minor Seminary in Nandere in 2001.

Initially, due to a small number of seminarians, a tiny chapel was built to accommodate not more than 50 individuals.

However, over time, the number of seminarians has risen to more than 250. According to Fr. Kisamba, this challenge has a significant impact on the seminarians' spiritual and educational development.

"We are currently holding prayers in the dining hall, which is unsuitable for worship. During prayers, the clattering of spoons and plates can be distracting and interferes with the sanctity of the Mass," Fr. Kisamba said.

He described the seminary as a beacon of Christ-centered education, emphasizing that the lack of a dedicated chapel is a serious concern because it is a critical component of a spiritual institution.

"Everything we do at the seminary is Christ-centered, and the church is the most essential structure at the seminary," he asserted.

Speaking at the seminary's 23rd-anniversary festivities on Saturday, July 13, 2024, Fr. Kisamba stated that they urgently need over 1 billion shillings to build a large chapel that can accommodate hundreds of seminarians.

They hope to complete the project by June 30th, 2026, in time for the seminary's 25th anniversary.

In addition to the church, Fr. Kisamba believes the seminary requires a library, a science laboratory, and a Mother Mary grotto.

He also mentioned the need to erect a statue of the seminary's patron, St. Kizito.

These facilities, according to Fr. Kisamba, are critical for the seminarians' holistic formation, combining spiritual growth with scholastic success.

## Post-Mass Activities

After Mass, a fundraising event was held for the construction of the new Seminary Chapel. Over 21 million shillings were collected, with 7 million shillings in cash and 14 million shillings in pledges. Prince Paul Kyabaggu, the Chairman of the Consultative Board for the Seminary, pledged 10 million shillings.

## Board Chair Requests to Step Down

Delivering his speech, the Chairman of the Consultative Board, Prince P. Kyabaggu, who has been at the helm of the board for a long time, requested to step down. He revealed that he is also too sickly to effectively do the job. He has been quite outstanding in contributing towards the development of the seminary over the years.



*The exterior view of the current Chapel of St. Kizito Minor Seminary, Nandere, Kasana-Luweero Diocese.*



*The inside of St. Kizito Minor Seminary in Nandere.*



Priests pose for a group photo shorty after Mass for the 23rd St. Kizito Minor Seminary Day on July 13, 2024.




Kasana-Luweero Diocesan Vicar General Msgr. Francis X. Mpanga [L] poses with Rev. Fr. Peter K. Mugerwa, Rector of St. Kizito Minor Seminary, along with Seminarians during the 23rd seminary day celebrations in Nandere, Luweero.



Prince P. Kyabaggu speaks with Rev. Fr. Mathias Jjooga Nandere Parish Priest shortly after Mass for St. Kizito Minor Seminary Day on July 13, 2024.



Msgr. Francis X. Mpanga (Vicar General of Kasana-Luweero Diocese), Mr. Portase Muhimbise (Headteacher of St. John's S.S. Nandere), and Fr. Peter Kisamba Mugerwa (Rector of St. Kizito Minor Seminary, Nandere) pose for a group photo with St. John's S.S. Nandere students and staff on Seminary Day on July 13, 2024.

# Kasana Cathedral Parish ejaguzza emyaka 27

Ku Sunday nga 16 June 2024, Kasana Cathedral Parish lwe yajaguza okuweza emyaka 27 bukyanga etandikibwaawo.

Kinajjukirwa nti Parish eno yatondebwaawo ku lunaku lwennyini Essaza lya Kasana-Luweero lwe lyatandikibwaawo mu 1997.

Essaza ddyo lyajaguza emyaka 27 nga March 3, 2024.

Thursday, June 6, 2024

# Kibuyaga atikkudde akasolya ku Klezia y'e Mulajje

Enkuba eyalimu kibuyaga yatikkula akasolya ku Klezia y'Ekigo/Parish ey'okubiri mu bukadde mu Ssaza lya Kasana-Luweero.

Klezia eyayonoonebwa eyitibwa Mary Mother of Divine Shepherd, Mulajje Parish.

Eno yazimbibwa mu 1914.

Yeddirira ey'e Nandere esinga zonna 21 mu Ssaza lino obukulu nga yazimbiwa mu 1899.

Enkuba eyayonoona Klezia eyo yatonnya kawungeezi ku Lwokusatu nga 12 June, 2024.

Teyaweza na ssaawa nga eyiika.

Omuwandiisi w'Ekigo ekyo muyite Executive Secretary, Mary Ainembabazi yategeeza 'KASANA' nti: "Kibuyaga atikudde akasolya, naye terina gweekosezza."

Yagattako nti: "Etandise ku ssaawa nga 10 n'eddakiika 15 ate bwe zibadde ziwera 10 n'eddakiika 50 n'ekya."

Mu mboozi eyakafubo, Omukulu w'Ekifo ky'e Mulajje Rev. Fr. Dr. Gerald Wamala yategeeza 'KASANA' nti: "Klezia eno yasemba okuddaabirizibwa eyo mu 1997". Okusinziira ku Fr. G. Wamala, amabaati 60 ge gaayonooneka.

"N'emirabba nagyo waliwo egyayonoonese," bwe yagatako bw'atyo.

"Tutandise okugiddaabiriza," bwe yategeeza oluvannyuma lw'okubuuzibwa wa we baali batuuse ku mbeera eyo nga waakayita ennaku mbale nga kibuyaga kyajje atikkule amabaati.



*Klezia y'e Mulajje nga bwe yali efaanana oluvannyuma lwa kibuyaga okugikosa, June 12, 2024.*

# Baalamaze ku Kiggwa gye bazaala Omujulizi Denis Ssebuggwaawo

Okulamaga okwakasembayo okw'Essaza kw'abaddewo ku Sunday, June 30, 2024.

Kwetabiddwaamu Abakristu okuva mu bitundu eby'enjawulo mu Ssaza.

Bwe yali ayigiriza, Rev. Fr. Achilles Ssemakula Omukulu w'Ekifo ky'e Kijaguzo nga ye yakiikirira Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa yasaba Abakristu okulabira ku Mujulizi Ssebuggwaawo ku kwewaayo kwe yakola eri Omutonzi.

Fr. A. Ssemakula yayogera ku Mujulizi Ssebuggwaawo nga eyali omuvumu era eyalemera ku nzonga y'okukkiriza kwe ne bwe yali ayise mu kubonaabona okutuusa okufa kwe.

Fr. A. Ssemakula yajjukiza Abakristu okusigala nga banyweevu mu kukkiriza ne bwe baba bayita mu kusomoozebwa mu bulamu obwa bulijjo.



*Minisita Kyofatogabye Kabuye n'Omubaka Omukyaala owa Nakaseke Sarah Najjuma mu kifaananyi ekyawamu n'Abasaseredooti okuva mu Parish ez'enjawulo oluvannyuma lwa Missa y'Okulamaga e Lukumbi.*

# Baatongozza okulamaga ewa Athanasius Bazzekuketta

Ku Sunday nga 26 May, 2024, aba Parish y'e Mulajje lwe basooka okulamaga nga Parish e Ssempa ku Kiggwa awazaalibwa Omujulizi Athanasius Bazzekuketta.

Okuva ku Kigo ky'e Mulajje okutuuka e Ssempa waliwo kilomita 15. Ku makya gw'olwo, Abakristu okuva mu Bisomesa byonna ebiri mu Parish y'e Mulajje bakungaanira ku Parish e Mulajje. Omukulu w'Ekifo ky'e Mulajje Rev. Fr. Dr. Gerald Wamala, yakulemberamu Abakristu abaali eyo mu bikumi n'ebikumi, ne batambula ku bigere kilomita ezo e 15 okutuuka e Ssempa.

Nga batuseeyo, Fr. G. Wamala yakulembera Missa. Bwe yali ayigiriza, yategeeza nti: Omulamazi omukulu yali Dr. John Chrysostom Muyingo nga ono Minisita w'ebyenjigiriza mu gavumenti eya wakati, avunaanyizibwa ku matendekero aga waggulu.

Fr. G. Wamala yategeeza nti oluvannyuma lw'Omwepisikoopi w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa okwetaba mu lukungaana lw'Abeepisikoopi (Bishops' Conference) mwe baasalirawo nti nga tujaguza emyaka e 60 bukyanja Bajulizi ba Uganda balangirirwa mu lusse lw'Abesiimi, ebifo byonna ebizaalibwaamu Abajulizi bifibweeko nga biyoyootebwa n'okukulaakulanyizibwa, naye kwe kuddayo e Mulajje, n'atandika ku nteekateeka z'okutereeza ewazaalibwa Athanasius Bazzekuketta.

Mu nteekateeka ezo, basoose kukiyoyoota ne basendasenda ebisozi, okusobozesa Abalamazi

okukungaanira wo. Era bwe kyaali. "Tumuyigireko okwewaayo ku lw'abalala. Omujulizi ono Athanasius Bazzekuketta alinga atamanyiddwa nnyo kubanga nga ffe Banna-Mulajje, tubadde tetumusosowaza, leero tutandise," bwe yategeeza Abalamazi mu Missa.

Mu Missa y'emu, mwalimu okubatiza abaana abaawerera ddala 38 nga era Fr. Edward Mulindwa ye yakola omulimu ogwo.

## Missa eggwa

Oluvannyuma lwa Missa, Ssentebe w'ekyaalo Ssempa Mky. Rehema Nabakka yasaba Min. J.C. Muyingo okuyambako okusembeza amasannyalaze ku Kiggwa ekyo.

Fr. G. Wamala, yategeeza nti ekifo ekyo nga bwe kigguddwaawo, baagala Omusumba L. Mukasa lwanaakikyaalamu nga kyongedde okukulaakulanyizibwa. Mu nteekateeka eyo, yagamba nti balina okuzimbawo Kaabuyonjo eyeegasa nga yabalirirwa okuwemmenta obukadde bwa siriingi zaakuno 35.

Mu ngeri y'emu nti banoonya obukadde 50 nga entandikwa ku kuzimba ebirala ku kifo kino.

Ekifo kino, yategeeza nti kitudde ku bwagaagavu bwa yiika musanvu, Essaza ze lyaaguze.

## Eyakiikirira Omwepisikoopi ayogera

Rev. Fr. Pontian Ssonko nga ye Muwanika omukulu ow'Essaza ye yakiikirira Omusumba L. Mukasa, kubanga ye mu kiseera ekyo yali taliiwo nga ali bunaayira, mu luwummula.

Mu kwogera kwe, Fr. P. Ssonko, yategeeza nti naye yali asabiddwa Omusigire w'Omusumba (Vicar General) Msgr. Francis Xavier Mpanga okujja okumukiikirira mu kulamaga okwo.

Fr. P. Ssonko yagamba nti okulamaga kuno kukulu nnyo kubanga Ekifo kino kyeegasse kw'ebyo ebiramagibwaamu buli mwaka. Ebirala yategeeza nga bwe waliwo eky'e Waluleeta mu Parish y'e Nandere nga eyo we wazaalibwa Omuwolereza w'Essaza Omutuukirivu Kizito omuto, ssaako eky'e Lukumbi mu Parish y'e Kiwoko nga eno ye wazaalibwa Omujulizi Donozio Ssebuggwaawo.

Yategeeza nti engeri Omutuukirivu Athanasius Bazzekuketta gyaali Omuwolereza w'Abawanika, waakukunga zi Bbanka zonna okuwagira enteekateeka z'okukulaakulanya Ekiggwa kino.

## Omulamazi omukulu ayogera

Dr. J.C. Muyingo yagamba nti: yasaba buli omu akwatizeeko nga bwasobola mu kukulaakulanya Ekiggwa ekyo.

Era yeeyama obukadde bwa siriingi zaakuno 20. Mu kukommekkereza, Fr. G. Wamala yategeeza nga bwe yali akoze enteekateeka nga buli mwezi, nga Parish baakulamagaanga ku Kiggwa ekyo.




*Rev. Fr. Gerald Wamala nga ali n'Abalamazi nga beetegeka okusimbula okuva ku Kigo ky'e Mulajje okutuuka e Sempa ku Kiggwa kya Omutuukirivu Athanasius Bazzekuketta, Sunday, 26 May 2024.*




*Abalamazi nga batuuka e Sempa ku Kiggwa ky'Omutuukirivu Athanasius Bazzekuketta, Sunday, 26 May 2024.*



*Abamu ku Balamazi nga balinnyalinnya akasozi mu Kulamaga e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*



*Ennyiriri okugenda mu Missa y'Okulamaga e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*



*Fr. Edward Mulindwa nga abatiza abaana mu Missa y'Okulamaga e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*



*Fr. Godfrey Serulangira nga asembeza Abakristu mu Missa y'Okulamaga e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*



*Okuva ku kkono: Bafaaza Tonny Ssekimpi, Edward Mulindwa ne Gerald Wamala (Omukulu w'Ekifo ky'e Mulajje). Amuddiridde ye Min. Dr. J.C. Muyingo. Ate amuddiridde be Bafaaza Pontian Ssonko, Matthias Jjooga ne Godfrey Serulangira mu kifaananyi ekyawamu oluvannyuma lwa Missa y'Okulamaga e Sempa, May 26, 2024.*




*Fr. G. Wamala nga akwasa Min. Dr. J.C. Muyingo ekirabo okumusiima olw'obuwagizi bwe mu kukulaakulanya Ekiggwa ky'Omujulizi Athanasius Bazzekuketta e Sempa, May 26, 2024.*



*Fr. G. Wamala nga asikangana ne Min. Dr. J.C. Muyingo mu mikono, oluvannyuma lw'okumwambaza omudaali mu kulamaga e Sempa, May 26, 2024.*



*Mw. Experito Kiroli nga aweereddwa Omudaali Fr. Gerald Wamala, olw'obuweereza bwe mu kufuna ettaka e Sempa, May 26, 2024. Mw. E. Kiroli era aweereza mu wofiisi ekola ku by'Ettaka ku kitebe ky'Essaza e Kasana.*



*Min. Dr. J.C. Muyingo nga asimba omuti ogw'ekijjukizo mu kulamaga e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*



*Omubaka wa Bamunanika mu Paalamenti Robert Ssekitooleko nga asimba omuti mu kulamaga e Sempa, May 26, 2024.*



*Ekitundu ku tttaka eriweza yiika omusanvu eriteekebwateekebwa okukulaakulanyizibwa e Sempa mu Mulajje, May 26, 2024.*

# Ssaabasumba P. Ssemogerere wa kusiibulwa mu butongole

Essaza lya Kasana-Luweero, lyaakusiibula Omusumba waalyo owookubiri Paulo Ssemogerere mu ngeri entongole.

Omukolo ogwo gwa kubeerawo ku Sunday nga 2 March 2025. Kw'olwo Essaza lijja kuba lijaguza emyaka 28 bukyanga litandikibwaawo. Okusiibula Omusumba P. Ssemogerere nga mu kiseera kino ye Ssaabasumba w'Essaza ekkulu erya Kampala kwalangirirwa Omwepisikoopi wa Kasana-Luweero owookusatu, Lawrence Mukasa.

Enteekateeka eyo yagirangiririra ku Kigo ky'e Katikamu, bwe kyaali kijaguza emyaka 61 bukyanga kitandikibwaawo nga omukolo gwaliwo ku Sunday nga 28 April 2024. "Ku lunaku lw'Essaza oluddako, tuli baakukyaaza Ssaabasumba wa Kampala Paul Ssemogerere," bwe yategeeza bwatyo. Bishop Mukasa y'awa ensonga ssatu: "Twagala okumwebaza olw'obuweereza bwe mu Ssaza lino." Eyookubiri y'agamba nti: "Okumukulisa olw'ekkula lye yatuukako erya Ssaabasumba."



Ssaabasumba w'Essaza ekkulu erya Kampala Paul Ssemogerere.

Ate eyookusatu, y'agamba nti: "Okumusiibula obulungi agende aweereze ku bwa Ssaabasumba." Mu buwuufu bwe bumu, Bishop L. Mukasa yalangirira nga bwe yali alonze Dean wa Mulajje Deanery Rev. Fr. Vincent Mukiibi okukuliramu enteekateeka ezo. Teyakoma okwo, Bishop M. Mukasa era yasinziira mu Missa y'emu ne yeebaza aba Parish y'e Katikamu olw'okumwaniriza nga 5 Augusto 2023 ku mukolo gw'Okumutukuza n'Okumutuuza ku Ntebe y'Obwepisikoopi.

"Olunaku lw'enkya (29 April, 2024) lwe guwera omwaka bukyanga naangirirwa ku Bwepisikoopi bwa Kasana-Luweero. Mbeebaza enkolagana ennungi," bwe yayongerako bwatyo.



*Rev. Fr. A. Kiwanuka nga akulembeddemu Bishop L. Mukasa okumutwaala mu Nju y'Abasaserdooti oluvannyuma lwa Missa y'Ekijaguzo, April 28, 2024.*



*Okuva ku Kkono, Omulangira Ronald Ndawula, Bishop Lawrence Mukasa, ne Bafaaza Achilles Kiwanuka ne Peter Mukasa mu kifaananyi ekyawamu oluvannyuma lwa Missa y'Ekijaguzo, April 28, 2024.*



*Ronald Ssemakula Ssaabakristu wa Katikamu Parish (ku kkono) nga alamusa ku Hon. Hassan Kirumira Lukalidde, Omubaka wa Katikamu South mu Paalamenti ku Kijaguzo kya Katikamu eky'emyaka e 61, April 28, 2024.*



*Fr. Vincent Mukiibi eyalondeddwa okukuliramu enteekateeka z'okukyaaza Ssaabasumba wa Kampala Paul Ssemogerere ku lunaku lw'Essaza olw'omwaka ogujja 2025.*

## Enteekateeka zitandise

Bwe yali ayogerako eri Abakozi b'Essaza oluvannyuma lwa Missa yaabwe eya buli Lwakusatu olusooka buli mwezi, (Wednesday, July 3, 2024) ku Kitebe ky'Essaza e Kasana, Bishop L. Mukasa yategeeza nti: "Olunaku lw'enkya (Thursday, July 4, 2024) lwe tugenda okutongoza enteekateeka z'Okukyaaza Ssaabasumba waffe (Paul Ssemogerere) tumusiibule."

## Olugendo lw'Okulamaga mu nsi entukuvu lukyaategekebwa

Bishop L. Mukasa mu ngeri y'emu, yakubiriza Abakozi b'Essaza awamu n'Abakristu okwetoloola Essaza lyonna okugenda mu maaso n'okwetegekera olugendo lw'Okulamaga mu nsi entukuvu.

Okulamaga okwogerwaakwo, kwakubeerawo mu mwaka ogujja 2025.

# Mazzolid College lijaguzza emyaka 25

Ku Lwomukaaga nga 16 March, 2024 essomero li Mazzolid College erisangibwa e Nakaseke lyajaguza emyaka 25 bukyanga litandikibwaawo. Ku Kijaguzo ekyo, wasookawo Missa nga yakulemberwaamu Rt. Rev. Lawrence Mukasa, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero. Bwe yali ayigiriza, yasooka n'akulisa essomero olw'ekkula lye lyaali lituseeko, n'agamba nti: "Twebaza Katonda olwa College eno, ly'ettafaali ly'enkulaakulana mu kitundu kino."

Yayongerako nti: "Linnyikizza enkola enkatoliki, terisosola." Yalambulula ku birindiriddwa mu ssomero nga lino eriri ku musingi gwa Klezia, omuli; "Abayizi okukola obulungi, okubasoosowaza nga ensula yaabwe, eby'obulamu bwaabwe, eddiini, empisa n'obuyonjo, ennyambala n'ebirala nga biteekebwaako omulaka." Oluvannyuma lwa Missa, akulira Essomero Mky. Thereza Muluuta yategeeza nga eby'ensula bwe bikyaalina okusomooza, wabula nga bali mu kaweefube w'okubitereeza. Mw. Gabriel Omondi eyali omukulu w'Essomero lino omubereberye yasuubiza okubakwatizaako mu kuzimba ennyumba z'Abasomesa. Rev. Fr. Celestine Byekwaso yasiimibwa olw'okubeera nti ye yaleeta ekirowoozo ky'okutandikawo essomero lino, emyaka 25 egiyise.




*Bishop L. Mukasa nga yeegattiddwaako abalala mu kusala Cake nga Mazzolid College ejaguza emyaka 25, March 16, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga afukirira omuti ogw'ekijjukizo gw'amaze okusimba nga Mazzolid College ejaguza emyaka 25, March 16, 2024.*

# Omusumba L. Mukasa agenda kuweza omwaka ku Bwepisikoopi

Ku Monday nga 5 Augusto 2023, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa lwajja okuweza omwaka ku Ntebe y'Obwepisikoopi.

Kinajjukirwa nti Bishop L. Mukasa yatukuzibwa era n'Atuuzibwa ku Ntebe eyo ku Lwomukaaga nga 5 Augusto 2023.

Omukolo ogwo gwali ku Kitebe ky'Essaza e Kasana



*Ssaabasumba wa Kampala Paul Ssemogerere nga akwaasa Omusumba wa Kasana-Luweero Lawrence Mukasa Omuggo gw'Obwepisikoopi, August 5, 2023.*

# Parish esinga obuto ejaguzza

Ku Lwomukaaga nga 29 June, 2024, Parish y'e Katuugo yakuzizza olunaku lwaayo. Parish eno tenaba kutongozebwa mu butongole yadde nga yalangiriwa nga 1 November 2021. Eno yatuumibwa St. Paul's Jubilee Catholic Parish, Katuugo. Ku mukolo gw'okukuza olunaku lwaayo, eyaliko Vicar General w'Essaza lya Kasana-Luweero Msgr. Matthias Kanyerezi ye yakiikirira Omusumba atwaala Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa.

Bwe yali ayigiriza, Msgr. M. Kanyerezi yasaba Abakristu okwewala okusinza ebitaliimu, omuli okusamira n'ebirala. Bwe yatuuka ku kya Parish eno, yabategeeza nti: Omukama Katonda yatuwa Parish eno, kubunyisa amawulire agasanyusa ag'Evanjiri, era nti buli omu asaanye abeere Omuminsani. "Tukkirize obuvunaanyizibwa obwo, era tubuteeke mu nkola," bwe yabakuutira bw'atyo. Yagattako nti: "Mwasaba Parish, Omukama Katonda n'agibawa, yawulira okusaba kwammwe."

## Atuusa Obubaka bw'Omwepisikoopi

Msgr. M. Kanyerezi mu bubaka bwe yeetikka okuva ewa Bishop L. Mukasa, mwe mwaali obukubiriza abantu okwewalira ddala ekiyitibwa enguzi n'obulyake. "Omusumba era abategeezezza nti: mulina okuyimirizaawo Klezia, mwettanire empisa ennungi, buli muntu asse mu munne ekitiibwa," bwe yategeeza. Yayongerako nti: "Mwagalane bulungi naddala mu maka, obusambattuko bweraliikiriza."

Yagenda mu maaso: "Musomesa abaana, musabire nnyo ensi yaffe, mwesimattulire ddala eby'okusinza sitaani, era mukole nnyo tulwanyise obwavu, era mwetegekere okulamaga mu nsi entukuvu, era mwetegekere omukolo gwe tunaasiibulirako Ssaabasumba Paul Ssemogerere, olw'ebirungi bye yakolera Essaza lyaffe."

Mu Missa y'emu, Msgr. M. Kanyerezi yawa Abaana abaasoba mu 10 Esakramentu lya Konfirmansio. Omukulu w'Ekifo ky'e Katuugo Rev. Fr. Alfred Ddumba yasinziira ku mukolo gwe gumu n'agamba nti batadde omulaka ku kusimba emiti okutaasa obutonde, nga era gya kubayambako ne ku birala.



Msgr. M. Kanyerezi nga asiiga omuto ku mukolo gw'Okuwa Abaana Esakramentu lya Konfirmansio, June 29, 2024.



Klezia ya Parish y'e Katuugo, June 29, 2024.

# Omusumba asisinkanye abazadde b'Abaseminariyo

Ku Bbalaza nga 1 July 2024, Omusumba w'Essaza lya Kasana-Luweero Lawrence Mukasa yasisinkana Abazadde b'Abaseminariyo. Ensisinkano eyo yali ku Pope John Paul II Pastoral Center (PJPIIPC). Mu mboozi ey'Akafubo ne Munnamawulire w'Essaza Bernard Bakalu, kw'olwo, Mky. Kiggundu Sarah Zabali yategeeza nti: olukungaana olwo Bishop L. Mukasa ye yaluyita. "Mu nteekateeka yaffe oba workplan y'omwaka guno 2024, twakiteekamu, kubanga twakiraba nti kikulu ensisinkano eyo ebeerewo. Bwe twategeeza Omusumba ekirowoozo naakigula, kale nno ne kiteekebwa mu nkola," bwe yategeeza bwatyo. Yayongerako nti: "Twayagala okuteekawo enkola abazadde b'Abaseminario mwe banaasisinkaniranga Omwepisikoopi, beegeyeemu ku nsonga eziwera." Mky. Zabali Kiggundu era yategeeza ng abwe baali balonze n'Akakiiko nga ka bantu musanvu okutambuza enteekateeka eyo buli mwaka nga basisinkana. Yategeeza nti baasalawo ensisinkano eyo ebeerengawo buli 1 July. Teyakoma okwo, yategeeza nti mu kiseera kino, Essaza lirina Abaseminario 64 abali mu zi Seminario enkulu nga mwe muli n'bali ku ddaala ly'Obudyakoni. Essaza lirina Seminario ento eyitibwa St. Kizito Minor Seminary, Nandere. Mu nsisinkano eyo, bano te baabulawo okuva mu Wofiisi y'Okuyitibwa ku Ssaza okwali Bafaaza Vincent Mukiibi ne Godfrey Serulangira. Kayungirizi w'Emirimo gy'Obutume mu Ssaza Fr. Denis Ssebuggwaawo ne Vicar General Msgr. Francis X, Mpanga nabo baagyetabamu.



Okuva ku kkono: Bafaaza Denis Ssebuggwaawo ne Vincent Mukiibi, ne Msgr. Francis X. Mpanga mu nsisinkano eyaliwo wakati wa Bishop L. Mukasa n'Abazadde b'Abaseminariyo, July 1, 2024.



Rev. Fr. Vincent Mukiibi nga ayogerako eri Abazadde b'Abaseminariyo, July 1, 2024.



*Bp. L. Mukasa nga ayogerako eri Abazadde b'Abaseminario. Amuddiridde ye Rev. Fr. Godfrey Sserulangira ne Mky. Kiggundu Sarah Zabali, July 1, 2024.*



*Abamu ku bazadde b'Abaseminario mu nsisinkano n'Omwepisikoopi L. Mukasa, July 1, 2024.*



*Abazadde b'Abaseminario nga bali mu nsisinkano ne Bishop L. Mukasa n'Abakulu abalala okuva mu wofiisi y'Eby'okuyitibwa mu Ssaza ku PJPIIPC, July 1, 2024.*



*Abazadde b'Abaseminario nga bali mu nsisinkano ne Bishop L. Mukasa n'Abakulu abalala okuva mu wofiisi y'Eby'okuyitibwa mu Ssaza ku PJPIIPC, July 1, 2024.*



*Bishop L. Mukasa nga ali n'abamu okuva mu wofiisi y'Okuyitibwa ku Ssaza nga kw'otadde ne Bammemba abaalondebwa ku kakiiko okutambuza enteekateeka z'Abazadde b'Abaseminario okusisinkanaanga Omwepisikoopi, July 1, 2024.*



*Bano be bamu ku Baseminario abali ku 'Propaedeutic Year' nga wano baali ku Pope John Paul II Pastoral Center (PJPIIPC), May 9, 2024.*

ST. JOHN'S S.S
NANDERE
TOIL AND ACHIEVE

# ST. JOHN'S SECONDARY SCHOOL NANDERE

P.O Box 320, Bombo. Telephone: 0772529297
Email: stjohnsnandere@gmail.com
Web: stjohnsssnandere.com

St. John's S.S Nandere is a government aided, Catholic founded, Mixed 'O' and 'A' Level, Boarding and Day Secondary School, and also teaching seminarians of St. Kizito Minor seminary - Nandere.

The school has existed for the last 74 years, we therefore continue to pledge our commitment to observe and uphold the holistic formation of our learners.















# WESIGE MUKAMA EVENTS & digital studio



**We deal in:** Photo studio, Wedding party, Music System for hire, Video coverage, Chairs & Tents for hire, Computer CD cutting & Jet Car Wash & Service bay .




*Wesige Mukama Washing Bay & Digital Studio.*



*The Archbishop of Kampala Archdiocese, His Grace Paul Ssemogerere in a group photo with the management and staff of St. Cyprian High School, Kyabakadde after he commissioned the new multi-purpose building during the school's Silver Jubilee celebrations on 28th September 2023.*



*Wesige Mukama team covering a function at Luweero Diocese Guest House.*



*One of the photos taken by Wesige Mukama Professional Cameras during a wedding ceremony in Nakaseke District.*



*Photo taken by Wesige Mukama team during the 25th anniversary of Mazzolid College in Nakaseke District.*



*Another photo taken by Wesige Mukama Professional Photographers.*



*Teachers of St. Cyprian High School, Kyabakadde in a group photo, during the celebrations of the school's Silver Jubilee on 28th September 2023.*



*A photo taken by Wesige Mukama Professional Camera during one of the introduction ceremonies in Kagoma, Kampala.*

Find us opposite Petro Uganda along Kampala-Gulu Highway in Luweero town.

**Phone Contact:** **Managing Director** 0772-495-691/0772-477-620. **Email:** sebisubucharles@gmail.com